**25th December 2017.**

# ENTANDIKWA Z'AMAZAALIBWA GA YESU KRISTO.

Amakya ga leero fenna abakkiriza n'abatakkiririza mu Yesu Kristo ensi yonna tujaguza amazaalibwa ge, ku lunaku olw'atongozebwa gajaguzibwenga mu butongole, oluvannyuma lw'emyaka nga bisatu bukya Yesu Kristo ajja ku nsi eno ng'ebyafaayo bwe biri.

Era olw'okuba omwaka gwonna tubadde tusomesebwa okuva mu kitabo ky'olubereberye era eky'entandikwa, kirungi nnyo okkimanya nti Oyo Yesu Kristo amannyiddwa amawanga n'ennimi zonna yalina okw'olesebwa kwe gyetuli mu kitabo kino mu Lubereberye 3:15, Mukama Katonda bwe yagamba omusota nti…..
Mw'ekyo ne muba ensonga ssatu mwe tulabira obukulu bw'amazaalibwa ga Yesu Kristo.
Okusooka, y'ensonga y'okuzaalibwa kwe.
Nti Yesu Kristo teyazaalibwa buzaalibwa ku nsi kubaako bubeezi abeeko by'akola era aveeko ng'abasajja abalala bonna. Wabula olw'ekibi eky'aleetwa Adamu eyasooka, yajja okujjawo amanyi n'empeera y'obugyeemu mu kkyo, olw'okuba kyaali kireetedde enjawukana wakati wa Mukama Katonda n'abantu ate abaali ebitonde bye eby'enjawulo bye yakola mu kifaanani kye era mu ngeri nga yye kkennyini, okutabagana naye. I Bakkolinso 15:45…… Nga buno bwe bulokozi obuggyawo okufa n'okuzikirira okwaali kuyingiziddwaawo Adamu olw'ekibi. Abaebbulaniya 2:11 -18 zikiggyayo mu bulambukufu……….
Tulabye emirundi egiwerako Yesu lwe yajja ku nsi mu kitabo kino naye okuzaalibwa kwe kwalina ensonga enkulu ey'okuwangula ekibi.

Eky'okubiri kwe kw'olesebwa kwa Yesu Kristo gyetuli.
Nti era okusinziira mu Lubereberye 3:15, tulaba mu Isaaya 7:14 lugamba nti, "Mukama yennyini kyaliva abawa akabonero; laba, omuwala atamanyi musajja aliba olubuto, alizaala omwana wa bulenzi era alituumwa erinnya lye Imanueri."
Era tewaali kuwakanyizibwa nti obunnabbi obwo bwaali ku Yesu Kristo kubanga ne Matayo 1:18 -25 zigamba nti…….

Kwe kwaali entandikwa y'okutuukirizibwa kw'obunnabi obusoba mu bikumi bisatu obwaatuukirizibwa ku bulamu bwa Mukama waffe Yesu Kristo. Omuli obujjuvu bw'okwolesebwa kwa Yesu Kristo gyetuli ffenna omukkiririzaamu.

N'eky'okusatu era ekisembayo bye byaava mu kuzaalibwa kwe okuba nti byalangwa era ne bituukirizibwa, kubanga ku musaalaba eyali entikko y'okujja kwe okutuukirizibwa tulaba ng'omusota gubojja ekisinziiro kya Yesu, kyokka ate era mu kufa kwe mwe mwaali okubetentwa kw'omutwe gwa Sitaani….Hallelujjah, I Yok.3:8 lugamba nti "akola ekibi wa Setaani; kubanga okuva ku lubereberye Setaani akola ebibi. Omwana wa Katonda kyeyava alabisibwa amalewo ebikolwa bya Setaani."

Ekyo ye yali ensonga enkulu eyayimbisa ba Malayika , n'eyatulwa na bonna okuba kwa ffenna mu ssanyu olw'amazaalibwa ga Yesu Kristo, era naddala gye tuli abamukkiririzaamu.

Mu bigambo bya Paulo Omutume Bakolosaayi 2:8 – 15……

N'olw'ekyo tujaguza olw'obulamu obujjuvu mu Kristo olw'amazaalibwa ge okusinga ebirala byonna, ng'eby'okulya, eby'okunywa, oba ebyambalo eby'akaseera obuseera……..

Kubanga bulamu bwa mirembe n'emirembe mu mirembe ne Mukama Katonda waffe.